# Ebya S4 bifuluma nkya

Bya VIVIEN NAKITENDE


Musamba owa UNEB

EBIGEZO bya siniya eyookuna ebyakolebwa omwaka oguwedde 2025, bigenda kufuluma enkya ku Lwokutaano.

Okusinziira ku nsonda ezeesigika okuva mu UNEB, eggulo ku Lwokusatu, abeekitongole ky'ebigezo mu ggwanga ekya UNEB nga bali wamu n'abakungu ba minisitule y'ebyenjigiriza, baasisinkanye minisita w'ebyenjigiriza n'emizannyo, Janet Kataha Museveni mu lukuŋŋaana olutakkiriziddwaamu baamawulire, mu maka g'Obwapulezidenti e Nakasero ne bamuyitiramu ebyava mu bigezo bya siniya eyookuna ebyatuulwa omwaka oguwedde.

Oluvannyuma lw'ensisinkano eno, kyakkiriziganyiziddwaako ebigezo okufulumizibwa ku enkya ku Lwokutaano.

Abayizi 432,159 be baatuula ebigezo bya S4 okuva nga October 13 , 2025 okutuuka nga November 2025. Ku bano kuliko abayizi abawala ebitundu 52.7% ate ebitundu 47.3% balenzi.

Abayizi 679 be baliko obulemu nga ku bano, 28 tebalaba, abayizi 60 bakiggala tebawulira, 113 tebasobola kulaba bulungi (low vision) ate abayizi 73 balina obulemu ku mibiri gyabwe.